Cooperative Office For Call and Guidance

مكتب الدعوة والإرشاد بالمعذر وأم الحمام



باللغة اللغندية

# معنى لا إله إلا الله

# AMAKULU G'EKIGAMBO LAA ILAAHA ILLA ALLAH


KIWANDIIKIDDWA
ABDUL HAKIM AUS MAKAYI

KYEKENNENYEZEBBWA
ABDUL HAKIM SENYONGA

إعداد
عبدآلحكيم أوس ماكاي

المراجع
عبدالحكيم سينيونغا



المكتب التعاوني للدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالمعذر وأم الحمام



Scanned with CamScanner

# ENNYANJULA

Amatendo amalungi era amajjuvu ga Allah Owekitiibwa Omutonzi era Omulezi w'ebitonde byonna. Tumusaba Asse okusaasira n'emirembe ku Nabbi Muhammad ow'enkomerero eyatumwa eri abantu bonna abaggye mu kusinza ebibumbe, emiti, amayinja, lubaale, enjuba, emmunyenye, ba malaika, ba Nabbi n'ebintu ebirala, abazze eri embeera z'obulamu bwabwe nga tebamugasseeko kintu kirala kyonna.

Ow'oluganda omukkiriza, tulina okumanya nti ekigambo **Laa ilaaha ill'Allah**, ky'ekisumuluzo ky'ejjana. Tewali agenda kuyingira Jjana wadde okuwunyiriza ku kawoowo kayo okuggyako ng'obulamu bwe bwatambuliranga ku makulu g'ekigambo **Laa ilaaha ill'Allah**, n'ategeera bulungi amakulu gaakyo, n'aggakkiririzaamu era n'agakolerako aba Musiraamu ateekeddwa okuyingira Ejjana y'Omutonzi Allah Ow'ekitiibwa

Ate omuntu yenna eyagaana okwatula ekigambo ekyo, oba eyakyatula kyokka nga tamanyi makulu gaakyo, oba ng'agamanyi kyokka nga tagakkiririzaamu, oba ng'agakkiririzaamu ate n'akola ekintu kyonna ekimenyawo amakulu gano, nga okusamira okugenda mu balaguzi, okwagala eddiini etali ya busiraamu, oba nga amenya akamu kubukwakkulizo bwa kino ekigambo omusanvu nga bwetunaabulaba, omuntu oyo taba musiraamu ne bw'aba musaaze nnyo, nga musiibi nnyo, ng'asaddaaka nnyo, nga n'okweyita yeeyita musiraamu nebirala nga bwetunaabiraba mu bugazi, tusaba Allah Atusobozese.

Ab'ebitiibwa, Mukatabo kano katono naye ebigambo ebikalimu binene nnyo, olw'okuba tugenda kulaba ekigambo ***Laa ilaaha ill'Allah***, ekyo abasiraamu abangi kye balowooza nti bakimanyi bulungi, ate nga bangi tebakimanyi okuggyako okumanya eddoboozi lyakyo. Bangi balowooza nti kasita oyatula ekigambo kino oba nga wazaalibwa oli musiraamu oba omaze! Wadde tomanyi makulu gaakyo matuufu, obanga ogamanyi amakulu naye nga togakolerako oba amakulu yagamanya amatuufu naye n'atwaala makulu malala amafu!! Tebakimanyi nti ekifuula omuntu omusiraamu ssi ddoboozi lya kigambo ***Laa ilaaha ill'Allah***, wadde nga ne ddoboozi lyetaagisa naye terikola lyokka, wabula ekifuula omuntu



Scanned with CamScanner

omusiraamu kuba kumanya n'okukkiriza amakulu g'ekigambo ekyo ky'ayatula oba kye yazaalibwa nakyo wamu n'okwewala ebikimenyawo.

Kiba kyannaku nnyo omuntu okulowooza nti ekigambo ekisinga ekitiibwa mu ddiini y'obusiraamu kyogerwa bwogerwa tekirina makulu. Era kiba kyannaku omuntu okulowooza nti eddoboozi lya ***Laa ilaaha ill'Allah***, lye lyawula wakati w'abasiraamu nabatali basiraamu wabula ssi makulu gaakyo. Era kyannaku nnyo omuntu okulowooza nti ekigambo ekya ssisa ebitabo, ne kitondesa abantu, amageege, omuliro n'ejjana kyogerwa bwogerwa tekirina makulu.

N'osanga abantu bangi nga bakola ebintu ebimenyawo ekigambo ekyo - ng'okusamira –kyokka nga bo beerowooza okuba Abasiraamu era nga n'okukyatula bakyatula nti: Tetusobola kuva mu busiraamu nga twogera ekigambo **Laa ilaaha ill'Allah**!!!! Allah Yayawukana okuwulira ebigambo nga bino ebikyaamu.

## AMAKULU G'EKIGAMBO "LAA ILAAHA ILL'ALLAH.

Ekigambo kino kitegeeza nti: "**Tewali kisinzibwa mu mazima okuggyako Allah"**. Amakulu ago gategeeza nti Ekitali Allah bwe kisinzibwa kiba kisinziddwa mu bukyaamu, olw'okuba ebisinzibwa bingi munsi nga ebibumbe, emiti, abantu n'ebirala, byonna bisinzibwa mu bukyaamu. N'olwekyo, ekigambo ekyo kimenyawo buli kyonna ekisinzibwa ekitali Allah Ow'ekitiibwa nti kisinzibwa **"mu bukyaamu"** ate ne **"kiyimirizaawo okusinzibwa kwa Allah mu butuufu".** Yagamba Ow'ekitiibwa Allah ng'Atunnynnyola ensonga eno nti:

(ذَلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ هُوَ الْحَقُّ وَأَنَّ مَا يَدْعُونَ مِنْ دُونِهِ هُوَ الْبَاطِلُ...) (62): الحج

(Ekyo lwa kuba nga Mazima ddala Allah ye yekka (Asinzibwa mu) Mazima. Era mazima ddala ebyo bye basaba ne basinza ebitali Ye, (bisinzibwa era bisabibwa mu) bukyamu) Haj:62

Era Yagamba Allah nti:

(وَقَضَى رَبُّكَ أَلَّا تَعْبُدُوا إِلَّا إِيَّاهُ...) (23) الإسراء

(Yasalawo Omulezi wo nti: Temusinzanga okuggyako Ye yekka) israi:23



Scanned with CamScanner

## ENZIVUUNULA ENKYAMU.

Tukirabye waggulu nti ekigambo ***Laa ilaaha ill'Allah***, kitegeeza nti: Tewali kisinzibwa mu mazima okuggyako Allah. Bwe weetegereza amakulu ago, okiraba bulungi nti abantu bangi bavvuunula ekigambo ekyo mu nzivuunula enkyamu nga n'ezimu ku nzivuunula ezo zimenyawo ddala amakulu gaakyo! Ezimu ku nzivuunula enkyamu zezino.

**1. Enzivuunula enkyamu esooka**: "**Tewali kisinzibwa mu biriwo byonna okuggyako Allah**". Enzivuunula eno tekoma bukomi kuba nkyamu nnyo wabula emenyerawo ddala amakulu g'ekigambo kino. Eky'ennaku ennyo abantu abasinga obungi mu ggwanga lyaffe bwe batyo bwe bakivvuunula!

**Singa** omuntu yenna agendera kunzivuunula eyo ab'akoze ensobi nnene era aba alimbisizza Allah n'omubaka We mukumanya oba nga tamanyi, kuba Allah yatukakasa mu Ayaat nyingi nti waliwo ebisinzibwa ebitali Ye, Allah Yagamba:

(وَيَعْبُدُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ مَا لَا يَنْفَعُهُمْ وَلَا يَضُرُّهُمْ...) (**55**) الفرقان.

(Ne basinza ebitali Allah ebitasobola kubagasa (okubaggirawo ebizibu) wadde okubakosa (okubatuusaako ebizibu)) furkani:55

N'omubaka Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku ye yatukakasa mu Hadiith nyingi nti waliwo ebisinzibwa ebitali Allah kyokka nga byonna bisinzibwa mu bukyamu. Abasiraamu bakakasa nti waliwo ebisinzibwa ebitali Allah, waliwo abasinza lubaale, waliwo abasinza ebibumbe, waliwo abasinza biikira mariya, waliwo abasinza Krishina owa bayindi, waliwo abasinza ente, waliwo abasinza enjuba, waliwo abasinza emmunyenye, waliwo abasinza emiti, waliwo abasinza ensozi, waliwo abasinza yirizi, waliwo abasinza abalongo n'ebirala bingi nnyo ebisinzibwa ebitali Allah Ow'ekitiibwa.

Wabula ebintu ebyo byonna bisinzibwa mu bukyamu, Allah yekka yasinzibwa mu butuufu, amakulu ago Allah ge yatuma nago ababaka be bonna. Yagamba Allah nti:

(وَلَقَدْ بَعَثْنَا فِي كُلِّ أُمَّةٍ رَسُولًا أَنِ اعْبُدُوا اللَّهَ وَاجْتَنِبُوا الطَّاغُوتَ...) (**36**) النحل

"Era mazima twatuma mu buli kibiina Omubaka (abalagire nti) Musinze Allah yekka, mwewale (okusinza) ebitagwanidde kusinzibwa". Ekirala



Scanned with CamScanner

ekigambo **(mu biriwo)** tekibeerako munzivuunula entuufu kuba ebyaliwo n'ebiriwo n'ebirijja mu maaso byonna bisinzibwa mu bukyamu okujjako Allah Yasinzibwa mu mazima ne mu butuufu.

**2.Enzivuunula enkyamu eyokubiri: "Tewali Katonda Asinzibwa mu butuufu okujjako Allah".** Enzivuunula eno nkyamu kuba ekigambo ilaaha (إله) tekitegeeza **Katonda** wabula kitegeeza ekintu ekisinzibwa kuba bangi basinza ebintu ebimu naye nga tebabiyita ba katonda baabwe, ekyewunyisa abantu bangi bavvuunula ezivuunula bweti enkyamu.

Ezivuunula entuufu ab'oluganda y' eyo gye twakulembezza okunnyonnyola nti: Tewali kisinzibwa mu mazima okujjako Allah, era bwe batyo Abakraishi abaali mu makka nga basinza nga basaba ebibumbe amakulu ago amatuufu, wabula baagawakanya buwakanya nebagaana okusinza Allah yekka Owamazima.

Allah Atutegeeza kunsonga eno:

(أَجَعَلَ الْآلِهَةَ إِلَهًا وَاحِدًا إِنَّ هَذَا لَشَيْءٌ عُجَابٌ) (5) سورة ص

(Muhammad! Katonda wo) Atugaana okusinza n'okusaba ebintu byaffe ebibumbe nebirala, Ayagala tusinze ye Yekka Omu, kino nga kya kwewunyiza!).

Ab'oluganda tulabye nti amakulu baali bagamanyi abashiriku abaali mu makka naye nebagawakanya, n'olwebyo byonna tetukkirizibwa kuvvuunula kigambo ***Laa ilaaha ill'Allah*** nti : **Tewali Katonda Asinzibwa mu butuufu okujjako Allah** wabula ekituufu tugamba: **Tewali kisinzibwa mu mazima okujjako Allah**.

## OBUKWAKKULIZO N'OBULOMBOLOMBO BWA LAA ILAAHA ILL'ALLAH

Ab'emikwaano mwenna kimanyikiddwa mu ddiini y'Obusiraamu nti ekigambo ky'okwawula Allah mu bw'omu bwe ***Laa ilaaha ill'Allah***, gw'omulyango gw'okuyingira mu busiraamu omunene era



Scanned with CamScanner

ky'ekisumuluzo ky'okuyingira Ejjana era Allah Yakifuula nga kiri munsonga ezitaasa omuntu yenna okuyingira omuliro, kyova olaba nga Nabbi Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku ye yannyonnyola n'alaga okuziyizibwa kw'omuliro eri yenna eyayatula ekigambo kino n'amala n'akifiirako .

قال صلى الله عليه وسلم:" مَا مِنْ عَبْدٍ قَالَ: لاَ إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ، ثُمَّ مَاتَ عَلَى ذَلِكَ إِلَّا دَخَلَ الجَنَّةَ " أخرجه البخاري.

Yagamba Nabbi Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku ye: "Omuntu yenna eyayatula ***Laa ilaaha ill'Allah,*** oluvannyuma n'afiira ku kyo, wa kuyingira Jjana". Hadiith yayogerwa Bukhar, n'obulungi obulala bungi obukkaatiriza ensonga eno.

Tewali kubuusabuusa nti Shahada (ekigambo ***Laa ilaaha ill'Allah***) y'ensonga eyingizisa ejjana n'okuwona omuliro ku lunaku lwenkomerero, naye Ensonga eyo tekola yokka okujjako nga obulombolombo musanvu butuukiridde. Ekyo ky'ekigambo ky'Omumanyi ayitibwa Hasan Albasri Allah Amusaasire bweba mu buuza abantu: "Abantu bangi bagamba nti yenna ayogera *Laa ilaaha ill'Allah* wakuyingira Jjana. Omumanyi Hasan nagamba: yenna ayogera *Laa ilaaha ill'Allah* oluvannyuma n'atukiriza ebyetaago byakyo n'obulombolombo yoyo ajja okuyingira ejjana".

Ebigambo ebyo by'amazima era bituufu kuba abannanfuusi okuva edda nedda bayogera ekigambo kino ate nga Allah Yabogerako nti bakubeera kuntobo ya muliro.

Ate Omumanyi ayitibwa Wahab bin Munabbah b'amubuuza: Abaffe sibwekiri nti **Laa ilaaha ill'Allah** kisumuluzo kya Jjanna? Omumanyi Ono nagamba: "Kituufu **NAYE** teri kisumuluzo kyonna okujjako nga kirina amannyo gaakyo, kasita ojja n'ekisumuluzo n'amannyo gaakyo nga kikugguliriwo awatali ekyo tekisobola kukuggulirawo" bino biri mukitabo kya Bukhari.

وسَارِعُوا إِلَى مَغْفِرَةٍ مِنْ رَبِّكُمْ وَجَنَّةٍ عَرْضُهَا السَّمَاوَاتُ وَالْأَرْضُ أُعِدَّتْ لِلْمُتَّقِينَ (133) الَّذِين يُنْفِقُونَ فِي السَّرَّاءِ وَالضَّرَّاءِ وَالْكَاظِمِينَ الْغَيْظَ وَالْعَافِينَ عَنِ النَّاسِ وَاللَّهُ يُحِبُّ الْمُحْسِنِينَ (134)

"Mweyunire (ng'abali mu mpaka) eri okusonyiyibwa okuva eri Omulezi Wammwe nga mukolerera ejjana, nga obugazi bwayo yenkanankana nga



Scanned with CamScanner

eggulu n'ensi, eyateekerwateekerwa abatya Katonda** Abo abagaba (nga baggya mw'ebyo Katonda bye Yabawa) mu bugagga ne mu bwavu, era n'abo abagumiikiriza mu busungu, era n'abo abasonyiwa abantu (nga basobezeddwa ; ne Katonda Ayagala abalongoosa". Al imran: 133-134.

ERA n'Omubaka Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, yasomesa mu bigambo bye bingi nnyo nti okuyingira ejjana kuliko okumala okukola emirimo egyalaalikibwa, yatutegeeza mu Hadiith Omu kuba swahaba be bwe ya mu buuza ku mulimo ogumuyingiza ejjana Nabbi n'amwanukula nti: "sinza Allah nga tomugattako kirala kyonna, oyimirizeewo esswala ttaano, okutoola zaka mu mmaali, oyunge n'engganda" Hadiith yayogerwa Bukhar ne muslim.

N'obujulizi obulala bungi obwongera okugaziya ensonga eno, nabuli bujulizi obwalaga nti omuntu ayayatula ***Laa ilaaha ill'Allah*** wakuyingira Jjana tubukomesa era netubunnyonnyolesa n'obujulizi obulaga okuyingira ejjana tekikoma kwatula bwatuzi kigambo kino wabula n'emirimo egyalaalikibwa girina okukolebwa naddala okwawula mu kumusinza nga bwe twakirabye mu bigambo byaffe ebyasoose.

**Era tugenda kunnyonnyola obukwakkulizo bwa Laa ilaaha ill'Allah twongere okulaga nti ekigambo kino tekikoma kwogerwa bwogerwa, wabula waliwo emirimo, obukwakkulizo n'obulombolombo obulina okutuukirira ejjana ya Allah tulyooke tugifune tumusaba Allah Atuteeke mw'abo aban'akolera ku kigambo kino tuyingire ejjanaye era nga bwebuno wammanga obulombolombo:**

**1**.Okumanya amakulu ga ***Laa ilaaha ill'Allah*** nga kijjawo obutamanya, tulina okumanya amakulu g'ekigambo nga tumanya empagi ebbiri ze kirina era zezino:

(a). Okujjawo byonna ebisinzibwa ebitali Allah.

(b). Okuyimirizaawo okusinza Allah yekka mu mazima.

Ekigambo kino kijjawo byonna ebisinzibwa mu bukyamu nekiyimirizaawo okusinzibwa kwa Allah yekka mu mazima. Kino kya kuyiga okunene nti bonna abasinza nebasaba ebibumbe, emiti, ensozi, yesu, bikira mariya nebirala bingi tebikkirizibwa kusinzibwa, era ababisinza bakimanye nti bakikola mu bukyamu kuba alina okusinzibwa mu mazima ne mu butuufu



Scanned with CamScanner

obwawaggulu ye Allah yekka. Ago gemakulu agali mukigambo **Laa ilaaha ill'Allah** era kunsonga eno Allah Yagamba:

(فَاعْلَمْ أَنَّهُ لَا إِلَهَ إِلاَّ اللَّهُ وَاسْتَغْفِرِ...) محمد:19

"N'olwekyo manya nti teri kisinzibwa mu mazima ne mubutuufu okujjako Allah...". Muhammad: 19

**2**. Akalombolombo akokubiri: Okukakasa okujjawo okubuusabuusa, tekimala kwogera bwogezi kigambo kino naye omutima gulina okukakasa nti teri kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah nga tokirinaamu ku buusabuusa. Obukkiriza bw'omuntu tebumugasa okujjako nga bulimu okukakasa olukakasa olwannamaddala. Allah Yagamba:

(إِنَّمَا الْمُؤْمِنُونَ الَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ ثُمَّ لَمْ يَرْتَابُوا وَجَاهَدُوا بِأَمْوَالِهِمْ وَأَنْفُسِهِمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ أُولَئِكَ هُمُ الصَّادِقُونَ) (15) حجرات.

"Mazima Abakkiriza beebo abakkiriza Allah n'Omubaka We oluvannyuma nebatafuna kubuusabuusa mwekyo kyebakkiriza nebalwaana mu kkubo ly'Allah ne mmaali zaabwe n'emyooyo gyaabwe mu kkubo lya Allah, abo bebakakasa olukakasa olwannamaddala" Hujrat:15

**3.** Okukkiriza okujjawo okugaana, akkiriza n'omutima gwe n'ayatula n'olulimi lwe byonna ekigambo ***Laa ilaaha ill'Allah*** byekigamba era n'ekiragira, nakkiriza byonna nti mazima na bwenkanya, Allah Yatugamba ku Bakuraishi abaali basamira mu mmakah:

(إِنَّهُمْ كَانُوا إِذَا قِيلَ لَهُمْ لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ يَسْتَكْبِرُونَ (35) وَيَقُولُونَ أَئِنَّا لَتَارِكُوا آلِهَتِنَا لِشَاعِرٍ مَجْنُونٍ) (36) صفات.

"Mazima bo bwe baalinga bagambibwa, nti: Tewali kisinzibwa mu mazima okujjako Allah, nga beekuza ** nga bagamba nti: Mazima ffe tuleke byetusinza ku lw'omuyimbi omulalu "? swafat: 35-36

**Ab'oluganda m**wenna tulina okukimanya nti yenna *ayatula ekigambo* **Laa ilaaha ill'Allah** n'amala n'atakkiriza bye kiragira mu mateeka g'eddiini, nga akikola lwa kwekuluntaza oba lwa nsaalwa n'ebirala, amazima ye tasobola kuganyulwa mu kigambo **Laa ilaaha ill'Allah** ne bwaba yakyaatula

Kitegeeza nti yenna attakkiriza okusinza kubeere kwa Allah yekka n'asinza entaana n'ebibumbe nebirala, ekirala n'atakkiriza kulamuza busiraamu



Scanned with CamScanner

mu mbeeraze lwa kwekuza aba si musiraamu. Ekirala nakyo ekikulu buli yenna atakkiriza bufu bwa ddiini ya kisamize ey'okusinza ebibumbe netaana, era nga takkiriza bufu nabukyaamu bwa ddiini ya bayudaaya, abakristaayo, abalokole, abapolestanti n'abakatuliki, nagamba nti eddiini yabwe ntuufu aba naye si musiraamu kuba bonna abo **Laa ilaaha ill'Allah** tebagikkiriza.

**4.**Akokuna: Okuteeka munkola amateeka ga Allah naddala amateeka agakolebwa n'ebiyungo by'omubiri, yenna ayatula ekigambo kino n'aleka esswala ettaano, n'agaana okutoola zakat mu mmaali ye, n'agaana okusiiba omwezi gwa Ramadhani, nga ate talina nsonga ya ddiini emusonyiyisa ebyo, ekigambo **Laa ilaaha ill'Allah** tekimugasa ne bwaba ya kyaatula n'olulimi lwe lwakuba aba teyeewaddeeyo neyekkakkanya eri Allah n'amateeka. Allah Yagamba kunsonga eno:

(وَمَنْ يُسْلِمْ وَجْهَهُ إِلَى اللَّهِ وَهُوَ مُحْسِنٌ فَقَدِ اسْتَمْسَكَ بِالْعُرْوَةِ الْوُثْقَى وَإِلَى اللَّهِ عَاقِبَةُ الْأُمُورِ) (22) لقمان.

"N'omuntu ayeewaayo yenna n'ayolekeza ekyenyi kye eri (okugondera) Katonda n'amwaawula mu kumusinza era n'ateeka munkola amateeka Ge nga alongoosa gy'ali. Mazima aba yekutte ku busiraamu bwennyini (nngango enngumu). N'eri Katonda y'edda enkomerero y'ebintu byonna". Lukman:22.

**5.** Akalombolombo akookutaano: Amazima agajjawo obulimba n'obunnanfuusi, akakwakkulizo kano kakwaata ku bantu abasiramuka nga agamba **Laa ilaaha ill'Allah** naye nga munda mu mutima simusiraamu, kunsonga eno Allah Yagamba:

وَلَقَدْ فَتَنَّا الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ فَلَيَعْلَمَنَّ اللَّهُ الَّذِينَ صَدَقُوا وَلَيَعْلَمَنَّ الْكَاذِبِينَ (3) العنكبوت.

"Mazima twagezesa abo abaabasooka. Kale katonda ajja kumanyira ddala abo abakkiriza ab'amazima era ddala ajja kumanya abalimba (mu bukkiriza bwabwe)" Al- Ankabuut:3

N'olwekyo baganda bange abannanfuusi tebaganyurwa mu kigambo **Laa ilaaha ill'Allah** ne bwebaba baakyatula ne nnimi zaabwe olw'ensonga mu mitima gyabwe mulimu bulimba bwokka, tulina okubenkengera abannanfuusi kuba obubi bwabwe businga abayudaaya, abakatuliki, abalokole n'amadiini amalala; kuba abannanfuusi bekweeka mu ddiini



Scanned with CamScanner

y'obusiraamu nebasaala n'abasiraamu mumizikiti egyenjawulo nebasiiba naffe omwezi gwa Ramadhani nebirala bingi babikola naye nga batukwenyakwenya nebabba ebyaama byaffe nebabitwaalira abalabe b'obusiraamu abalala.

Kunsonga eno Allah Yalabula Nabbi Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, N'amugamba yegendereze nnyo abantu bano abannanfuusi era abeewale kuba obutwa bwaabwe bubi nnyo.

Nange bwentyo bwenkoowoola baganda bange mwenna twewale abantu bano era tumuwanjagire Ow'ekitiibwa Allah Abatutaase.

**6.** Okusengejja enzikiriza ya **Laa ilaaha ill'Allah** okusengejja okujjawo okugatta ku Allah n'ekintu ekirala kyonna wamu nekabandabe, kino kitegeeza nti munda mumutima gyaffe ekigenderelwa kusiimibwa Allah yekka munsinza zonna ezenjawulo, omuntu tasala ebisolo okujjako nga asala ku lwa Allah, tasinza okujjako nga asinza Allah Yekka, tasaba okujjako nga asaba Allah yekka ebyetaago byonna era kyekimu n'okusaala esswala n'ensinza endala nyingi zonna tuzikola ku lwa Allah era Ye Y'asasula empeera kubuli nsinza yonna. Kunsonga eno Allah yagamba:

(...فَاعْبُدِ اللَّهَ مُخْلِصًا لَهُ الدِّينَ) (2) الزمر.

Kale sinza Allah nga otukuza eddiini ku lulwe" Zumar:2 "

**7.**Okwagala ekigambo kino **Laa ilaaha ill'Allah** ne bye kiragirira nga okwagala kuno kujjawo okutamwa, kino kiyingiramu n'okwagala Bannanyini kyo abakikolerako abatuukiriza obulombolombo bwaakyo, era n'aba nga naye ayagala okukikolerako, n'akabonero keekyo kwekuba nga osinga kwagala kino kigambo okwagala okusukkuluma ku birala byonna n'okukyaawa abatamwa ekigambo kino. Kunsonga eno Allah yagamba:

(وَمِنَ النَّاسِ مَنْ يَتَّخِذُ مِنْ دُونِ اللَّهِ أَنْدَادًا يُحِبُّونَهُمْ كَحُبِّ اللَّهِ وَالَّذِينَ آمَنُوا أَشَدُّ حُبًّا لِلَّهِ...)
(165) البقرة.

"Ne mu bantu mulimu abafuula (ebintu ebirala) ebitali Katonda nga biba bikiyambi gye bali ate nga babyagala nnyo nga Allah bwayagalwa nga webabisaba era ne babisinza nga bwasinzibwa n'asabibwa Allah, kyokka



Scanned with CamScanner

bo Abakkiriza bayitirivu mu kwagala Katonda nga bamusinza n'okumusaba ye yekka..." Al-bakara:165

Ab'ebitiibwa mwenna, yenna eyayatula **Laa ilaaha ill'Allah** ate n'atamwa bye kiragira mu kusinza Allah Yekka nga tetumugattako kirala kyonna oba n'atamwa agamu ku mateeka g'eddiini, omuntu aba simusiraamu nga Allah bwe Yagamba:

ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ كَرِهُوا مَا أَنْزَلَ اللَّهُ فَأَحْبَطَ أَعْمَالَهُمْ (9) محمد.

"Ekyo lwa kubanga mazima bo b'atamwa ebyo Allah bye yassa, Naye n'ayonoona emirimu gyabwe" Muhammad: 9

Ne mu Hadiithi eyayogerwa Bukhari ne Muslim nga Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku ye yagamba: "Ebintu bisatu kasita omuntu yenna abifuna aba atuuse ku bu woomerevu bw'obukkiriza,

**(a)** Okufuula Allah oluvannyuma n'Omubaka We B'osinga okwagala ennyo okusinga ekirala kyonna,

**(b)** n'okwagala omuntu yenna naye nga omwagala ku lw'Allah,

**(c)** n'okutamwa n'okudda mu Bukafiir (okuwakanya Allah n'okumugattako ekirala kyonna) nga Yamala okumuwa ekitangaala ky'obukkiriza nga bwatamwa okuyingira mu muliro".

Okumaliriza ebigambo byange Ab'ebitiibwa, tulina okukkiriza ekigambo **kino Laa ilaaha ill'Allah** n'obukwakkulizo bwakyo nga bwe tugezezzaako okunnyonnyola mu bigambo byaffe ebingi ebikulembedde, **NAYE** ku mulembe guno tugattako okukakasa n'okukkiriza Muhammad mubaka wa Allah ow'enkomerero mu babaka bonna kuba Y'eyatujjira n'obusiraamu ku mulembe guno, era kya tteeka okumukkiriza n'okukolera ku bubaka bwonna bweyajja nabwo okuva mu Qurani n'ebigambo bye eby'atutuusibwaako ne ba swahaba be, Allah Yagamba mu Quran:

مَا كَانَ مُحَمَّدٌ أَبَا أَحَدٍ مِنْ رِجَالِكُمْ وَلَكِنْ رَسُولَ اللَّهِ وَخَاتَمَ النَّبِيِّينَ وَكَانَ اللَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمًا (40) الأحزاب.



Scanned with CamScanner

"Tabeeranga Muhammad kitaawe w'omu mu mmwe, naye ye Mubaka Wa Allah era ye w'enkomerero mu Bannabbi; Allah Amanyi buli kintu" Al-Ahzaab.

Tusaba Omutonzi Ali waggulu Ow'ekitiibwa Atunyweereze ku bukkiriza obutuufu obwe'kigambo **Laa ilaaha ill'Allah** ate tukoowoole abalala bonna bakikkirize okusinziira n'okusaba Allah ku busobozi bwa buli omu era atuttire ku kigambo kino, tusaba Allah Asse okusaasira n'emirembe bibeere ku Nabbi Muhammad ow'enkomerero mu bannabbi bonna n'abennyumba ye n'abo bonna aba mugoberera okutuusa ku lunaku lw'okusisinkana Allah.

Essimu: +256788808625

+966551702495


موقع المكتب على خرائط Google

الحساب العام
SA 21 8000 0251 6080 1007 5881

حساب الوقف
SA13 8000 0251 6080 1017 7778

+966 11 488 4496
+966 11 482 7489
+966 55 0886 610
info@yaqeenweb.com
yaqeenweb
www.yaqeenweb.com




Scanned with CamScanner